# Okukulukuta

## Ekitabo Ekitendeka

**Ne Rev. Paul J. Bucknell**

Amasomo gano agatendeka gayamba omuntu okw'anjura okukulukuta eri omuntu omulala. Mu ngeri ey'ebigambo oba ey,okusomesa. Tumanyide nyo okutendekebwa mu by'enjiri naye batini abatendekedwa mu buyigirizwa bw'okuwa amagezi ag'okutendekebwa. Ekirubirirwa kyaffe wano si kwekutekaw embeera y'okukuza eye banga eddene naye okulungamya omuwi w'amagezi okuyamba omuntu okuzuula wa waali mu bulamu bwe bw'ekikulisitayo. Tutunulide okuyamba buli mu kulisitayo okukula obulungi mu bulamu bwabwe obw'ekikulisitayo.

**Ekirubirirwa kyaffe**

# Okutendekebwa Okw'abawi Abamagezi obokukulukuta

Ekirubirirwa Kyaffe omuwi w'amagezi agenderera okuyamba obulungi omuntu mudakika 30 oku:

(1) Okutegeera obulungi obulamu bwe obw'omwoyo..

(2) Okuzukusa n'okuzaamu amaanyi eky'etaago ky'omuntu eky'okukula.

(3) Okuzuula wakiri engeri emu gy'ebakuze era nga bakyeetaga okukula.

## OMUTENDERA GWONNA

- **Ebitandikirwaako**

Ekisooka manya omuntu oyo okulakulanye obw'esigwa. Beera akwatibwaako. Kitwale nti mulimu gwa bwa Katonda, obe kya dakika 5 oba emboozi empanvu. Omuntu nga tanayagala kugabana bintu bya mwoyo,Mubwenkanya twetaaga okukwatibwaako ku bulamu bw'omuntu bwonna.

- **Nonya omukisa ogw'okwanjura Okukulukuta**

Bulijo abakulisitaayo baba n'ebibuuzo bingi nga awatali by'akudamu. Kisingako okubetega okuyiga. Wano waliwo ebibuuzo ebisobola okukozesebwa okuyamba okutondawo okuyayana. Eby'okudamu eby'okulukuta eri ebibuuzo ebitakonwako mu ntegeka y'ekanisa eyabulijo.

- ✦ Lwaki Abakulisitayo bangi babade bakiriza ebanga dene kyoka nga siba maanyi mu nzikiriza zabwe?
- ✦ Lwaki ekanisa mu bifo ebimu nfu nnyo?
- ✦ Lwaki Abakafuuka abakiriza balabika nga abalina okuyayana okungi naye si abo ababade abakiriza okumala akabanga?
- ✦ Wandizeemu otya oyo agamba nti, "Simanyi ngeri yakukula."

Osobola okugatako wano engeri okukulukuta oba ebimu kubikulu mu kwo gy'ebikuyambye mu kw'eyongera okukula. Tetwagala kuyingira mu bya kanisa ki oba njigiriza ki ennungi oba embi naye engeri buli mukulisitayo gy'avunanyizibwa okukula.

- **Yanjura Okukulukuta (Enyanjula)**

Ekisooka gabana engeri eby'awandikibwa gye biyigiriza enkulakulana ey'obulamu obw'omwoyo, obwo bwetutasobola kulaba, okuyita mukukula okw'okungulu, fenna kwe tumanyide. Obudde bwebukiriza, baganye balonde mu maddala agobulamu mu 1 Yokana 2:12-14 era batandike okubiwandika bulungi. ( Bwewaba tewali budde,menya bu menya amaddala asatu). Okusinzira Ku budde, Mubumpimpi nyonyola buli dala. Gaziya nga obudde bw'ebwetagisa.

(1) Eddala #1> Omwana omuto= Eyakakiriza
(2) Eddala #2> Omuvubuka= Omukiriza omuto
(3) Eddala #3> Kitaffe= Omukiriza akuze (anywedde) eyekubisamu.

- **Bayambe Okuzuula wa webali mubulamu obw'omwoyo(Okwezuula)**

Nga Katonda bwagaba ekisa, buli omu kubo yezuule dala ki kwali. Osobola okumufuna n'anyonyola kiki ekimuyambye okukula era kiki ekimulemeseza okweyongera okukula. Weyambise obujurizi bwo bwenyini okumuzaamu amanyi okubeera ekitundu mu kanisa enyonyola okukula okw'omyoyo nga bwekiri ekikulu, nokolayo ku bitabo,amsomo agayinza okumuyamba okukula

# Emboozi Endagirire Ey’abawi Bamagezi Abafuula Abayigirizwa

## Nyoyora mu bumpimpi okukulukuta

## Okutunulira mu bumpimpi okukulukuta

Wano waliwo ensoga enkulu ez’okubulira

- Katonda yeyetandika okukula mu mwoyo. Awa obulamu obugya.kano kadde kalungi okubuuza omuntu nti ddi okuyayana kwo okw’omwoyo lwe kwagya era bukwakulizo ki obwali bukwetolode.oyinza okuzuula ng’omuntu oyo tamanyi Yesu. Mu mbeera eno werabire ebirala eby’okukulukuta amaso go ogateke ku bulokozi. Gabana obujulizi bwo engeri gye watuuka okumanya Mukama, era oyinza okugabanako mu Yokana 1:12 era obabuuze oba bagala obulamu bunno obupya. Obulamu obupya bugerageranyizibwa ku nsigo. Esimbibwa naye nga ekigendererwa kukula.
- Obukulu eri Abakulisitayo kutunula nga Yesu Kristo. Ye yebulamu obugya muffe era netukula mu nfanana ya Kitaffe. Eno yensonga lwaki buli mukulisitayo owanamadala ayagala okukula.bayinza okugwa, naye munda ebuziba eyo bagala okukula.
- Okukula mu mwoyo, wewawo, era nga mu nkula ey’obuntu tukula mu maddala.
- Obudde nga bukiriza, bagambe babikule Baibuli zabwe batunulire amadala asatu mu 1 Yokana 2:12-14. Nyonyola kye gakikirila:
- Eddala #1 Abaana abato= Abakakiriza
- Eddala #2 Abavubuka= Abakiriza abato
- Eddala #3 Kitaffe= Omukiriza avunanyizibwa era eyekubisamu
- Sooka oyogere ku bulamu obugya olwo oly’oke owandike wansi amaddala asatu nga bw’ogenda era ekirubirirwa ekisembayo kwekubanga Yesu kyekirubirirwa kya Katonda eri buli omu kuffe (Abefeso 4:13).

## Okufunza ku kutunulira mu bumpi okukulukuta.

Katonda musanyufu nyo okutuyamba buli omu kuffe okukula. Babuuze,

- “Kino wali okiwulideko?”
- “Nsobola okugabana ebingiko ku ebyo ebibaawo ku buli ddala?”

Gezaako okubakuuma nga bagufu, oba oli awo okulabisibwa. Mu ngeri enyangu nyonyola nti buli omu kuffe alina ebyaafayo. Ebimu bisinga binabyo. Bwekiba kisoboka, gabana ekimu ku byafayo byo ekyali ekizibu kye wasisinkana mu bulamu bwo obwekikulisitayo obwedda.

## Ebizibu ky’obudde

Twagala okuba abafaayo eri Mukama ne eri ekyeetaago ky’omuntu wabulijo. Bwe kirabika nga batabudwa oba nga tebalina budde, kisoboka okuba nti balina ekintu ekirala kyebetaaga okukola. Babuuze. Bwekiba bwekityo, nonyawo obudde obusoboka okweyongera. Tutekwa okuzuula nti kino kisoboka okuba obudde bwaffe bwokka n’olwekyo bazeemu amaanyi okuyita mu kigambo kya Katonda nga bwe kisoboka. Naye kino ky’ekifo we tugendera obuterevu ku nkomerero y’eboozi bw’ekiba kyetagisa. Buuka ogende ku kitundu ekisembayo (okwezuula)bwe kyetaagisa. Kola entegeka okulambula omuntu oyo bw’ekiba kisoboka. Jukira okuteeka esira ku bibuuzo ebikulu nga ogalawo. Gezaako okubakuuma nga bayayanira n’okwagala engeri Katonda gy’ayagala okubayamba bakule okuva awo we bali kati. Kino kizimba esuubi.

# #1 Emboozi Erungamizidwa eri Omuwi w’amagezi Olw’okukulukuta

***Omwana omuto Omugya***

**<u>Okukula okw’omukiriza omupya (eyakakiriza)</u>**

Wano waliwo ensonga enkulu mu kwogera.

- Katonda ye yatandika okukula mu mwoyo. N’omwana omuto omugya, omwana omuwere, ebyetaago eby’ejawulo. Byetaago ki ebyenjawulo eby’omwana omuto? Byangu nga mere, okuwumula, okufibwaako okutandikirwako n’okwagala. Abakiriza bebamu. Singa abakiriza abagya bafuna ebintu bino, olwo basobola okukula obulungi.
- Okuyita mu 1Yokana 2:12-13, turaba waliwo ebintu bisatu ebikulu omukiriza omugya byeyetaaga.
    - ✦ (1) “Ebibi byo bisonyiyibwa.” Kino kiraga tutya bwetwonona,twetaaga okudizibwaamu amanyi nti Katonda atusonyiyira dala mu Kristo. Omubi ayinza okutulyolyoma n’okutufuula abatawulira nga baana ba Katonda okutumalamu amanyi.
    - ✦ (2)  “Okuyita mulinya lye.” abakiriza abagya betaaga okujukizibwa nti bakirizibwa era basonyiyibwa si lwakuba balungi naye lwa mulimu gwa Kristo ku musalaba. Tutekwa okusa esira ku mazima agekisa. Katonda atuyisa bulungi okusinga bwetugwana okuyita mu Kristo. (Kino kiteekwa okutereeza eneyisa yaffe eri abalala. Tutekwa kuba ba kisa). Tuyinza okugwa naye mubujju twakirizibwa okuyita mu linya lya Yesu.
    - ✦ (3)“Omanyi Kitaffe.” Katonda ayagala tumanye nti tuli babe. Tuli kitundu ku maka ge. Nga omwana, tusobola era tutekwa okuja mu kuberawo kwa kitaffe. Atuyayanira mu kuberawo kwe. Okusaba, olwo, kwekwogera gyali. Okusoma Baibuli kwe kuwulira okuwa amagezi okwenjawulo okuva eri Kitaffe olwo lunaku lwaffe.

Twalayo obudde butono ku buli kimu. Bwolaba ekitundu eky’etaaga okwetegerezebwa, kiwandike wansi. Ekibuuzo wansi kija kulaga ebizibu eby’amanyi.

## Ebitunulirwa eri abakiriza abagya

Wetegereze nyo ekitundu kyekyetaago ekyanjawulo. Oyinza okubabuuza,

- ✦ Owulirayo ekibi kyonna Mukama kyayinza okuba nga tanakusonyiwa?
- ✦ Olowooza Katonda anasinzira kuki okukusonyiwa?
- ✦ Taata wo owo kunsi yali kumpi nyo nawe bwewali okula? Olumu tulemererwa okutegeera Katonda ayagala kyenkana wa okubeera okumpi nafe nebwetuba tumwononye.



# #2

# Emboozi eragiridwa eri omuwi w’amagezi olw’okukulukuta

## *Omuvubuka (Omuto)*

**<u>Okukula kw’omukiriza omuto</u>**

Nga newankubadde omuvubuka omuto yayanjudwa ogwasembyeyo mu 1Yokana,kyanjule okusinzira ku nkula ey’omubiri. Kija kulabika nga ekitabula. Omuntu bwaba akomebwaako n’ebyawandikibwa,muganye azuule ebintu ebisatu Yokana by’ayogera mu kitundu ekyo. Oba si kyo, zogere bwogezi. Leka obudde busalewo.

- Omukiriza omugya, era nga omwana omuto, mangu akula ku ku ddala eritali lyanamadala nga tanatuuka mu bukulu. Wano webakulira nebafuuka abamanyi. Mubutangaavu nga tebakyaali bato naye nga bafuuse bakulu.
- Yokana nate ayogera ku butundu busatu obw’okuwa amagezi mu 1Yokana 2:12-14 eri abakiriza abakyaali abato.
    - (1) “Muwangudde.” Yokana atereeza endowooza yabakiriza abato nga abagamba ekintu kyebatawulira nga ekituufu. Snga omuntu atambula lwempulira y’omuntu omulala, amazima aja kuwirila nga awangudwa. Abakiriza bangi bugude mu kitunda eky’okuwangulwa. Katonda abanywezeza nga abwanguzi, naye bo betaaga okukiriza nga tebanakibeera. Yesu yawangula omubi ku musalaba gumu. Ffe tuli bawanguzi mu Kristo!
    - (2) “Oli w’amanyi.” Nate,okufanana ekyasoose, abakiriza bangi tebawulira nga abamaanyi bawulira nga oba abanafu. Balinya ne mu bulamu bwabwe obw’omwoyo. Katonda abagaala nga bamaanyi. Bwebatyo bwebakolebwa.
    - (3) “Ekigambo Kya katonda kibeera mu gwe.” Yokana wano ajukiza omukiriza amanyi ge we gebase. Si muye naye mu kigambo kya Katonda. Tetulina magezi n’amanyi gamala.bwetulowoza nga tulina, (Tulekera awo okusoma ekigambo kye), tukikoleramu ensobi olusi. Okubera ne Mukama olutentezi kikulu nyo.

Nga bwolooza ku kunsonga ezetaaga okulowoozako, gezaako okugabana eky’okulabirako eky’engeri gye walemererwa ate n’ofulibwa ow’amaanyi nate n’ekigambo kya Katonda.

## Ebitunulirwa eri omukiriza Omuvubuka

Beera mwegendereza eri ebitundu eby’ekyetaago eby’ejawulo. Babuuze,

(1) Waliwo ekitundu kyonna mw’owulira okuwangulwa?

(2) Oli munywevu otya mu bulamu bwo obw’ekikulisitayo? Biki ebikuyambye enyo?

(3) Omala obudde bwe nkana wa mu kigambo kya katonda? Ekiseera ekyo kyampeera gyoli?



# #3

# Emboozi eragiridwa eri omuwi w'amagezi olw'okukulukuta

## *Kitaffe s omukulu*

**Okukula kw'abakiriza abakulu**

Okukula kubawo ku buli ddala ely'okukula mu mwoyo. Kino kituufu nakyo eri omukiriza akuze. Omukristayo talekerawo kukula.

- Kale omukiriza akuze ayinza ayta obutalekera awo kukula? Baganye betegereze kiki eky'ogerebwa ku ba kitafe mu 1Yokana 2:12-14. Babuuze lwaki Yokana yandyezemu. Ebyetaago byabwe byanjawulo okuva kubalala. Batekwa okusa essira ku kunyika buziba enkolagana yabwe ne Katonda.
- Laga ebintu 3 oba bina ebibawula okuva kubalala.
  - ✦ Bataata bekubisaamu. Tugabana enjiri era netukulembera abalala eri okukiriza.
  - ✦ Bataata batereeza. Tufuula bayigirizwa, tuwabula, okuwa amagezi wamu n'okulabula abalala.
  - ✦ Bataata betaga okukuma okukula. Tetukula mu buwanvu naye mu buziba obw'emeeme zabwe.
  - ✦ Bataata bakula nga beyongera okumanya Katonda. Tunyikiza enkolagana yaffe noyo eyaliwo okuva kuntandikwa.

Nga bw'ofumintiriza ku nsonga enkulu, gezaako okugabana eky'okulabirako eky'engeri gye walemererwa ate n'odizibwamu amanyi n'ekigambo kya Katonda.

**Ebitunulirwa eri omukiriza akuze**

Beere mwegendereza eri ekitundu ekyenjawulo ekyekyetaago. Oba oyinza okubabuuza,


(1) Otuuse okuba omukiriza akuze?

(2) Osobola okugabana engiri n'abalala?

(3) Osobola okugabana essomo ly'obulamu wewayigira enyo ku Bw'obuntu bwa Katonda obwenjawulo?

Okuva mu bumanyirivu bwange waja kubawo obudde butono okukubaganya ku Bataata. Twala obunde bungiko singa omukiriza aba mukulu ekimala. Ekitundu ekisinga obukulu kyekyo nti Katonda ayagala buli mukiriza atuuke ku ddala lino.


Kyakatyabaga kwenkana wa bwetulaba omuntu omu nga mumubiri nga takuze bulungi.



# Ekipande Eky’okukulukuta

**<u>Ekipande olw’okukula mu mwoyo</u>**

Nga bwetwogera, tutekwa okukuba enkulungo 3 era mubumpi okuzoleka. Weyambise. Napkins, empapula enkadde, empapula ennungi, akatabo akwandikwamu, nebirala. Bino, nga onyikiza okulowwoza ku bukugu bwomu mu kukuba ebifananyi,tuja kutunulira okufananako ku kiri wansi. Emboozi yaffe eja kugenderera okukatiriza ku ekitundu ekimu oba okunyikiza ku kyetaago n’obudde. Wano twagala okuleeta ekipande tukijuze mu ko n’ebibuuzo ebitono. Sibyanjawulo nyo okuva okuva kw’ebyo byetuze tunyonyola naye biyinza okuyamba okuleta ekintu kyona mu maso gaffe.



### Obulamu obuja

- Olina obulamu obugya?
- Olina bubonero ki obw’obulamu obugya?

### Omukiriza omugya

- Obusabusa obulokozi bwo? Iwaki?
- Waliwo ebibi byonna oby’olowooza nti katonda tanakusonyiwa? Byo byebiriwa?
- Olowoza Katonda ayagala obeere n’enkolagana naye?

### Omukiriza omuvubuka

- Maddala ki gosobola okutwala okunyikiza okutwala ekigambo kya Katonda?
- Okwata otya okuwangulwa?
- Otwala budde ki mu kigambo Kya Katonda? Onyumirwa obudde obwo?

### Omukiriza akuze

- Waliwo okugezesebwa kwonna mukiseera kino kwoyitamu? Ozamu amaanyi okukiriza kwi oba omalidwamu amaanyi?
- Owereza ani kati?
- Osobolaokugabana essomo ly’obulamu n’omuntu omulala olw’okumuyamba?

### Ekifananyi Kya Kristo

- Dalla ki kati wotuse mu kufuuka ekifananyi kya Kristo? Nyonyola.
- Mukiseera kino okula?

# OKUKULUKUTA

## OKUGOBERERA ENKULA EY'EKIKULISTAYO
## 1 YOKANA 2:12-14

